# Engoye za Okello ne galubindi byaliko omusaayi gw'abaana

Bya MARGARET ZALWANGO

KKOOTI Enkulu etuula e Ggaba ekyagenda mu maaso n'okuwulira obujulizi ku Christopher Okello agambibwa okutta abaana bana bwe yalumba ekifo we bakuumirwa n'abasala ebiso.

Oludda oluwaabi lwaleese abajulizi abalala okuli Barnabus Harelimana omukugu mu kwekenneenya ebinkumu n'endagabutonde eyaleese ebyava mu kwekebejja omusaayi gwe baggya awaali obutemu, emirambo gy'abaana, engoye zaabwe, engoye za Okello, ggalubindi ze n'akambe akaasangibwa wabweru w'ekikomera. Abajulizi balung'amizibwa omuwaabi wa Gavumenti, Jonathan Muwaganya ne Anna Kiiza.

**Muwaganya:** Buulira kkooti engeri gye mufunamu ebizibiti.

**Hareliman:** Ebizibiti ebimpeebwa okuva ku poliisi bwe bijja ku ofiisi, biba biraga ekyetaagibwa okukebera. Okusinziira ku kusaba okukoleddwa, birambibwa ne bissibwa we bakeberera olwo okwekebejja ne kutandika.

**Kiiza:** Biki bye wazuula?

**Harelimana:** Ebizibiti bijjira ku poliisi Foomu 17 (PF17) era oluvannyuma lw'okubyekebejja, nkola lipooti n'essibwako n'omukono gw'atukulira Andrew Mubiru Kizimula.

**Kiiza:** Wayogedde ku 'Form 17' bw'ekulagibwa osobola okugitegeera?

**Harelimana:** Yee. Eriko sitampu ya ofiisi yaffe n'ennaku z'omwezi. Eriko n'ennamba gye twagiwa ku kwekebejja, nnamba DFS/ DNA/ 164/2026. Yaleetebwa nga April 7, 2026 era eriko ebbaluwa okuva ewa CID Kabalagala ng'esaba okwekenneenya ebizibiti.

**Kiiza:** Tulina lipooti ya DNA omujulizi buulira kkooti ebigirimu.

**Harelimana:** Nga April 7, 2026, ku PF14A, nafuna ebizibiti 40 okubyekebejja era byajjirako ebiwandiiko ebinnyonnyola ebireeteddwa. Nga April 10, 2026 twafuna ebbaluwa okuva ewa Division CID Kabalagala ng'atulagira okwekebejja ebizibiti ebimu kw'ebyo.

Ku bino kwaliko; ekyali kituumiddwa OK, OK-1, OK-4,OK-5, 5-1, 7-1, 8-1, 9-1, 14-1, 4, 14-3, 3-1, 3-2, 3-3, 3-4, 3-5, 32-1, 32-2, 32-3, 32-4, 37-1, 37-2, 37-3, 37-4, 39-1, 39-2, 39-3 ne 39-4.

Twalina okwekebejja oba DNA eyasangibwa ku bizibiti OK ne OK-1. Era nalina okuzuula oba DNA okuva ku OK ne OK-1 byali bizzizzaako ku misango emirala. Okwekenneenya oba DNA ku bizibiti 4,14-2 byateekebwako nnannyini binkumu ebyali ku bizibiti OK ne OK-1.

Ekirala okuzuula oba ebizibiti ku 3-1, 37-1, 32-1, bikwatagana ne DNA ku bizibiti 5-1, 7-1, 8-1, 9-1 ne 14-1. Ekisembayo kwali kwekebejja kwonna okuyinza okuba okw'omugaso mu kunoonyereza kuno. Nakozesa enkola y'okwekebejja ebireeteddwa, DNA n'okutaputa ebivudde mu kwekebejja.

**Kiiza:** Tubuulire bye wazuula.

**Harelimana:** Mw'ebyo ekibiziti 3-3 gwali musaayi ogwava ku mulambo ogwaliko 3 era twazuula yali nti musajja. Ekizibiti 32-1 yali sampo ya musaayi okuva ku mulambo ogwaliko 32 era twazuula yali DNA ya musajja. Ekizibiti ky'omusaayi 37, twasanga nga naye alina DNA ensajja. 31 gwali musaayi okuva ku mulambo 31-1 era twazuula nti yalina DNA enkazi. Ekizibiti 32 gwali musaayi okuva ku mulambo 32-2 twasanga nga teyalina butoffaali buyamba kuzuula DNA.

Ekizibiti 37-3 kyaggyibwa ku ssaati ya yunifoomu y'essomero ng'erina akatambaala mu bulago era yalaga DNA ensajja. Ekizibiti 37-4 yali mpale ya ssomero nga nnyimpi ya kiragala yaggyibwa ku mulambo, 37 era yalina DNA ensajja. Ekizibiti 39-2 yali 'swabu' okuva ku mulambo. 39 era teyalina butoffaali bwa DNA. Ekizibiti 39, kaali kateeteeyi ak'obumuli era yalinako ekitundu kya DNA nkazi.

Ekizibiti nnamba 4 tulinako sampo okuva ku kambe ekaaliko laama eya MingFeng era kaaliko DNA ensajja. Ekizibiti 4 kaali kambe akaaliko laama eya MingFeng era kwaliko DNA entabule nga si ya muntu omu. Ekizibiti 14-2 yali sampo za musaayi ezaasangibwa ku ggalubindi enzirugavu era ne DNA zaali za bantu ab'enjawulo naye ng'omu ku bo yali mukyala.

Ekizibiti OK-5 zaali empale okuva mu bitundu by'evviivi era DNA entabule wabula ng'esinga ya musajja. Ekizibiti kino yali mpale mpanvu ng'eriko ebisawosawo eyasangibwa ne Christopher Okello. Omusaayi okuva ku kifo awazzibwa omusango gwali mutabule naye nga musingamu gwa musajja. Ekibiti 9-1 gwali musaayi okuva ewazzibwa omusango era gwali musaayi mutabule.

Ebyazuulibwa okuva mu kwekebejja biraga nti waliwo obujulizi nti omuwawaabirwa Okello Christopher ye yali nnannyini musaayi ogwasangibwa ku kizibiti OK-4 (omusaayi okuva mukono gw'essaati, ku kibatu ekya kkono, omusaayi okuva ku mukono ogwa ddyo waggulu nga ku bulago) byonna byalina omusaayi gwa Okello. Ekizibiti 4 eky'omusaayi ku kambe gwalina DNA ya Okello.

Era nazuula ng'omusaayi ku mulambo nnamba 3 yali nnannyini musaayi ogwali ssaati waggulu ku kitoji. Omusaayi ku sweta gwali gwa mulambo nnamba 3.

Nafundikira nti, omulambo 32 ye yali nnannyini musaayi ogwasangibwa ku bizibiti 5-1 (musaayi ogwaggyibwa mu lujja lw'essomero) omulambo era gwalina omusaayi ku kizibiti ky'essaati eya kyenvu eyaliko Early Childhood Development Program. Omulambo 32 ye yali nnannyini musaayi ogwasangibwa ku mpale y'essomero ennyimpi emmyuufu. Nazuula nga waliwo obujulizi nti omulambo nnamba 37 ye yali nnannyini musaayi ogwasangibwa ku ssaati ya kyenvu eyaliko akatambaala aka kyenvu. Omulambo 37 era ye yali nnannyini musaayi ku mpale ya kiragala ennyimpi.

Nafundikira nti omulambo nnamba 37 teguyinza kulekebwa bbali ku bannannyini musaayi ogwasangibwa ku mpale ya Okello. Omulambo nnamba 3 ne 37 tebayinza kulekebwa bbali nga bannannyini musaayi ogwasangibwa ku kambe akaggyibwa ebweru w'ekikomera ky'essomero. Omusaayi gw'omulambo 3 ne 37 gwasangibwa ku mukonda gw'akambe gwali gwetabudde.

Omusaayi ku kizibiti 14-2 ogwasangibwa ku ggalubindi mu luggya eza Okello, gwali mutabule ng'abantu babiri okwali ogwa Okello n'omwana omu. Awo lipooti w'ekoma. Harelimana wano yayanjulidde kkooti ebizibiti byonna bye yeekebejja era bannanateeka ba Okello tebaawakanyizza kubiwaayo nga ebiziti by'oludda oluwaabi.

**Harelimana:** Mu kkooti tuwaddeyo ebizibiti 27 wadde ffoomu ya poliisi yalina 40. Ebisigadde 13 tebyakolwako era kwaliko essimu mu kizibiti ky'ensawo. Ebizibiti ebirala ebitekebejjebwa kuliko ensawo y'oku mugongo enzirugavu essimu bwe zaasangibwa. Bino poliisi yali yabiggyeewo. Ekirala y'ekkufulu n'ebisumuluzo bisatu ebyasangibwa mu nsawo.

Kwaliko obusitookisi obwasangibwa mu nsawo emu ey'empale ya Okello, sampo eyaggyibwa ku Namutebi eyali alabirira abaana, akataawo ekeeru nga kaliko omusaayi agwasangibwa ne Namutebi, bbulawuzi eya kyenvu Namutebi gye yali ayambadde, sikaati enjeru eyaliko omusaayi eya Namutebi, akambe k'omu ffumbiro, akambe akaddugavu nga kalina ekikono ekiddugavu nako kaali katwaliddwa poliisi ssaako omusaayi ku kagoye aka kakobe.

**Kiiza:** Byebyo bye tubadde nabyo.

**Omulamuzi:** Oludda lwa Okello mulina bye mubuuza?

**Awelo:** Mu lipooti ya DNA gye wakola otegeeza ki ne 'buckle sample'?

**Harelimana:** Ntegeeza sampo eggyibwa mu kamwa.

**Omulamuzi:** Harelimana weebale.



Harelimana ng'alaga engoye za Okello (mu katono) ku kkono. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

## Kibuyaga asitudde ttenti omulamuzi n'addukira mu bigere

Bya MARGARET ZALWANGO

WAABADDEWO akabuguutano enkuba erimu kibuyaga bwe yayiise omulundi gumu ttenti y'omulamuzi n'esituka mu bbanga abaserikale ne babuna emiwabo, omulamuzi n'adduka okutaasa obulamu.

Omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha engatto yazirese we yabadde atudde era omuserikale yalabye tadduka kimala n'amubeba n'amuyingiza mu mmotoka.

Mu kiseera ekyo nga fayiro zonna zitoba olw'enkuba eyabadde efukumuka. Awo ng'abaserikale aba buli kika beeyongedde obungi okwebulungula Okello si kulwa ng'abatolokako.

Okello si ye mutono, abaserikale bamwebulungudde nga n'okumulaba tomulaba era abaabadde mu musango ne bawanuuza nti ekirondoola Okello tekiba nga kyagala kutwaliramu n'omulamuzi.

Bino we byajjidde nga n'emmotoka etambuza Okello gye buvuddeko yaakamala okulemererwa omugoba waayo n'erinnya munnamawulire Richard Mukwana ng'era mu kiseera kino akyassizza ku byuma.

Eby'okuddamu okuwulira omusango, omuwandiisi wa kkooti yabirangiridde luvannyuma nga buli omu embeera emusuusseeko.